

Fairwork

**OBWETAAVU OKUFUNA
ENKYUKAKYUKA EZIWAGIRA ABAKOZI**

Uganda Ratings 2023



CONTENTS

- 03** Mu Bufenze
- 04** Pulojekiti ya Fairwork: Okussaawo enteekateeka entongole eri abakozi mu by'enfuna y'omukutu
- 06** Amawanga Fairwork mweri
- 10** Ebyafaayo by'eggwanga
- 12** Oludda lw'amateeka
- 14** Fairwork Uganda Obubonero 2023
- 17** Embooji z'abakozi
- 18** Omulamwa ogutunuuliddwa: Abakyala mu mulimu gwa mmere ya leero
- 21** Enkola z'okuleetawo enkyukakyuka
- 24** Obw'eyamu bwa Fairwork
- 25** Engeri: Fairwork gy'egabamu obubonero
- 30** Enyinyonnyola
- 32** Okwebaza n'abataddemu ssente

Mu Bufunze

Mu 2023, Fairwork yakola okunoonyereza kw'omwaka ogusooka mu Uganda, ku mikutu kkumi nebiri egiddukanyiza emirimu gyagyo ku mutimbagano. Emikutu egyalondebwa giri mu bitongole ebipangisa ebidduka n'okutambuza eby'okulya. Okunoonyereza n'okusengeka emikutu kyakolebwa nga tusinziira ku mpagi za Fairwork ttaano.

Newankubadde abakozi bangi mu Uganda bafuna ensimbi ez'essalira ezitandikirwako, okunoonyereza kwalaga nti bateekamu ensimbi nnyingi omuli: Amafuta, Okupangisa emmotoka n'okuziddaabiriza. Abakozi abeenyigira mu kunoonyereza kuno, baanokolayo ebikolwa by'obunyazi, okutiisibwatiisibwa n'obutasasulwa, eky'oleka nti emikutu girina okussaawo enkola ezitangira bino. Abakozi bangi tubamanyi ku ndagaano oba enkola n'obukwakkulizo kwe bakolera. Oba tewaliwo njogerezeganya ya makulu ate ng'endagaano ezisinga zawandiikibwa mu luzungu. Abakozi betwayogerako nabo baatunyonyola ku nkola ezibanyigiriza omuli n'okusosolebwa. Abakozi abakyala bakuluusanyizibwa mu bikolwa by'omukwano n'okutyoboolwa kyokka nga tewali nkola yakwerwanako. Ekisembayo, tewali bujulizi bulaga ng'omukutu bwe guwa bakozzi baagwo eddembe lyabwe okwetaba n'abalala okulaga eddoboosi ery'awamu.

Wewaawo emikutu gy'oleka nga bwe girina enkolagana n'abakozi, wabula okunoonyereza tekwasobola bujulizi bwonna ku mbeera ennungi mwebakolera bw'okigeraageranya ku mpagi ettaano ezirambikibwa Fairworks. Okugeza, omukutu gwa Safeboda gwatongozebwa nga balina obukuumi mu ndowooza. Guno mukutu ogusuubiza okutambuza abantu ewatali buzibu bwonna ku Pikipiki, abazivuga n'abasaabaze baabwe. Enkola eno yatongozebwa n'ekiruubirira ky'okukendeeza obubenje bw'okunguudo mu Uganda nga bayita mu kutendeka abazivuga wamu n'okutumbula enkola y'okwambala ebikofiira ku mitwe.¹ Wabula, tetwasobodde kufuna bujulizi bwonna nti omukutu gwassaawo embeera ennungi abakozi mwe bakolera okusinziira ku mpagi ezirambikibwa Fairwork. Alipoota okuva mu 2022, nazo zooleka nga bwe waliwo abakozi abakyala batono ddala abakola ku mikutu gino, kwe kugamba abakyala basatu bokka ku bakoze ba Safeboda 26,000.²

Abakozi abakyala abali ku mikutu gyonna be twayogera nabo, baatutegeeza nga bwe batalina bukuumi mu ngeri ez'enjawulo. Abakozi baanokolayo eky'okutulugunyizibwa omuli okulumbibwa, okubbibwa, okukubibwa kalifoomu, n'okunyoolebwa ensingo. Olw'obutabaawo nkola zibawa bukuumi zitegeerekeka, abakozi abakyala baasalawo okwekuuma nga beewala okukola obudde bw'ekiro, wabula kino kitegeeza kufiirwa ssente mu kaseera abantu webasingira okwagala okubatwalira eby'okulya. Abakozi abamu baasalawo okwekuuma nga bbo omuli n'ekyokweyunga ku mikutu gya Whatsapp group kyokka nga muno mulimu n'abakozi b'emikutu emirala abasobola okulondoola entambula zaabwe mu budde bw'okukola, naddala mu budde bw'ekiro. Abakozi boogera ebifo mwe bali ekiseera ekyo ku Whatsapp group, olwo bannaabwe basobole okubakeberako naddala bwe baba nga baludde mu kifo ekimu okumala ekiseera ekiwera, ekintu ekitali kya bulijjo mu mirimu gy'okuvuga oba okutambuza eby'okulya abakozi mwe babeera nga batambula buli kiseera.

Emikutu gyaweebwa obubonero nga tusinziira ku mpagi za Fairwork ettaano, era nga ku mikutu ekkumi, omukutu gwa Glovo gwokka ogwafuna obubonero omwaka guno (Obubonero bubiri ku kkumi). Emikutu emirala omwenda tegyasobola kufuna bubonero wadde olw'obutaba na bujulizi obw'oleka nga bwe batuukiriza empagi ezirambikiddwa.

Wewaawo emirundi egisinga emikutu gitunuulira nnyo kkaasitoma by'ayitamu, twetaaga okubalaba nga bassaawo embeera eyeeyagaza abakozi bonna. Tuyita emikutu na buli gwe kikwatako okutwegattako tusobole okuteekawo enkola ey'abakozi b'emikutu ababeera mu bitundu mu Uganda.

WEWAAWO EMIKUTU GIRAGA NGA BWE GIRINA ENKOLAGANA ENNUNGI N'ABAKOZI, KYOKKA OKUNOONYEREZA TEKWASOBOLA KUZUULA BUJULIZI BWONNA KU MBEERA ENNUNGI ABAKOZI MWE BAKOLERA

Okussaawo enteekateeka entongole eri abakozi mu by'enfuna y'omukutu

Fairwork esengejja era n'okusengeka embeera abakozi b'emikutu ku mutimbagano mwe bakolera. Ensengeka yaffe yeesigamizibwa ku mpagi ttaano, emikutu gye zirina okugoberera olwo giryo ke kitwalibwe ng'egirina ekipimo ky'obwenkanya obusookerwako.

Twekenneenya emikutu gino buli mwaka nga tweyambisa empagi zino nga tetutunuulidde nfuna yagyo yokka olwaleero, wabula ne nga bwe kyandibadde. Ensengeka za Fairwork ewa endowooza eyeetengeredde ku mbeera abakozi ku mikutu mwe bakolera eri olwo abakozi b'amateeka, amakampuni g'emikutu, abakozi n'abaganyulwa mu mpeereza yaabwe. Ekiruubirira kyaffe kwe kulaga ekyo obulungi era mu ngeri ey'obwenkanya nti emirimu gisoboka nga bayitira mu mikutu.

Pulojekiti ya Fairwork, ekwanaganyizibwa okuva mu Oxford Internet Institute ne WZB Berlin Social Science Center. Okweyongera kw'abanoonyereza baffe, olwaleero busobola ukulaakulana okusengeka emikutu mu mawanga 38 ku Ssemazinga 5. Mu buli Ggwanga, Fairwork ekolagana bulungi n'abakozi, emikutu, abalwanirizi n'abakozi b'amateeka okusobola okutumbula obw'enkanya mu mirimu gy'emikutu gye bujja.

Amawanga Fairwork **mweri**




Figure 1. Map Y'amawanga Fairwork gy'ekolera.

AFRICA

Egypt, Ghana, Kenya, Morocco, Nigeria, South Africa, Tanzania, Uganda

ASIA

Bangladesh, India, Indonesia, Jordan, Lebanon, Pakistan, Philippines, Singapore, Vietnam

EUROPE

Albania, Austria, Belgium, Bosnia and Herzegovina, France, Georgia, Germany, Italy, UK, Serbia, Spain

SOUTH AMERICA

Argentina, Brazil, Chile, Colombia, Ecuador, Paraguay, Peru, Uruguay

NORTH AMERICA

Mexico, USA

Akatiba Fairwork mwekolera

Empagi za Fairwork ettaano zagunjibwawo nga ziyitira mu nsisinkano z'abantu abakwatibwako az'enjawulo ku kitebe ky'ekitongole ky'abakozi eky'ensi yonna kiyite (International Labour Organization). To ensure that these global principles were applicable in the Ugandan context, we have subsequently revised and fine-tuned them in consultation with platform workers, platforms, trade unions, regulators, academics, and labour lawyers.




OMUTENDERA 1

Empagi ettaano



Ensasula esaanidde

Abakozi nga toyawuddeemu mirimu gyabwe, bateekeddwa okufuna omusaala ogusaanidde mu bitundu gye babeera oluvannyuma lw'okwawulako ensimbi ze basasaanya ku bintu eby'ekuusa ku mulimu. Tweekenneenya omusaala okusinziira ku musaala ogusaanidde okutandikibwako mu mateeka eyo mu kitundu mw'oli, wamu n'ensimbi ezetaagisa okw'ebeezaawo mu kiseera kino.



Embeera ezisaanidde abakozi mwe bakolera

Emikutu giteekeddwa okuba n'enkola eziwa abakozi obukuumi okwerinda ebizibu ebitali bimu eby'etoolera ku mirimu. Era emikutu girina n'okusitukiramu okubugiriza n'okutumbula embeera ennungi era eyeyagaza.



Endagaano ezisaanidde

Enkola n'obukwakkulizo biteekeddwa okuba nga bimanyiddwa, bosomeka era nga bitegeerekeka. Ekitongole ekiwa endagaano, abakozi balina okuyisibwa mu mateeka g'eggwanga mwe bali era nga bateekeddwa okussibwa mu ndagaano. Nga tofudde ku mulimu gwa mukozi, endagaano terina kubaamu buwaayiro obusangulawo okufiirizibwa ku ludda lw'abaganyulwa mu mpeereza ne oba omukutu.



Obukulembeze obusaanidde

Wateekeddwa okubaawo emitendera emiwandiike abakozi mwe bayita okuwulirizibwa, okujulira ku kiteeso kyonna ekibanyiga, wamu n'okutegeeza ekiri emabega w'okusalawo okwo. Wateekeddwa okubaawo emikutu gy'empuliziganya emitongole abakozi mwe bayita okujulira ku kusalawo kw'abakulembeze oba okukuyimiriza. Okweyambisa amateeka kiraga obutangaavu era kivaamu obwenkanya eri abakozi. Wateekeddwa okubaawo enkola emanyiddwa era empandiike esobola okuleetawo obw'enkanya ku ngeri abakozi gye bakwatibwamu ku mukutu (okugeza, mu kupangisa, mu kubonereza, oba okugoba abakozi).



Okukiikirirwa mu bw'enkanya

Emikutu girina okussaawo enkola empandiike abakozi mwe bayisa eddoboosi lyabwe. Nga tofudde ku mulimu gy'abwe, abakozi bateekeddwa okuba n'eddembe okwegattira mu bibiina, era nga n'emikutu giteekeddwa okuba emyetegefu okuyamba n'okwogerezeganya nabo.



OMUTENDERA 2

Enkola eyitibwamu

Pulojekiti ya Fairwork ekozesa enkola ssatu okusobola okupima obulungi obw'enkanya mu mbeera abakozi b'emikutu gy'okumitimbagano mwe bakolera. Okunoonyereza ng'oli mu ofiisi, okubuuza abakozi ebibuuzo, n'okukola okunoonyereza ng'otambula, wamu n'okubuuza abaddukanya emikutu gino. Nga tuyita mu nkola zino essatu, tunoonya obujulizi okuzuula oba ng'emikutu gikola emirimu gyagyo nga gigoberera empagi za Fairwork ettaano.

Tukiraba nti emikutu gyonna tegyeyambisa nkola ya bamusigansimbi, ebasobozesa okussaawo obukwakkulizo ku bakozesa empeereza ne oba abakozi ng'esobozesa okutuukiriza empagi za Fairwork. Wabula, emikutu gyonna girina obusobozi okukyusa engeri abakozesa empeereza gye bakwataganamu ku mukutu. N'olwekyo, emikutu egitassaawo bukwakkulizo ku ngeri abakozi gye basigazaamu abakozesa empeereza, tutunuulira ebintu ebirala bingi omuli: enkola emanyiddwa mu lwatu ne oba emitendera, eby'ogerwa abantu n'ebibanja ku mutimbagano oba app gye bikolamu okumanya oba ng'emikutu gifuddeyo okukola buli kyetaagisa okutuukiriza enkola, akabonero okusobola okubaweebwa okusenziira ku Mpagi ekwatagana n'ekyo.

Ku nsonga y'emikutu egikolera mu kifo ekimanyiddwa, tunoonya obujulizi obwoleka enkwatagana n'empagi za Fairwork eri emikutu egy'ekuusa ku kifo abo mirimu gya nkola ya leero, ate n'emikutu egiddukanyiza emirimu gyagyo ku mutimbagano, n'empagi za Fairwork eri emikutu egiddukanyiza emirimu gyagyo ku ku mutimbagano.

Okunoonyereza okukolerwa mu ofiisi

Okusengeka kwa Fairwork okwa buli mwaka, kutandika n'okunoonyereza mu ofiisi okumanya emikutu eginasengekebwa, okumanya abakulembeze be tunaakolagana nabo, okuvaayo n'ebinaagobererwa mu kunoonyereza n'ebinaakozesebwa, wamu n'omanya engkola y'okuwandiisaamu abakozi. Ku bululi mukutu, era tukuŋŋaanya wamu n'okwekenneena ebiwandiiko bingi omuli endagaano z'abakozi, enkola n'obukwakkulizo, enkola empandiike n'emitendera egigobererwa, wamu n'okweyuna emitimbagano n'ebibanja bya internet bwe bikola. Okunoonyereza mu ofiisi era kwoleka obubaka bwonna obumanyiddwa mu lwatu obuyinza okutuyamba mu kuwa emikutu egy'enjawulo obubonero, Okugeza okuwa

abakozi empeereza ey'enjawulo, oba okubaawo ebyayita oba enkaayana ezikyagenda mu maaso.

Okunoonyereza okukolerwa mu ofiisi era kweyambisibwa okuzuula abantu betunaakwatagana nabo oba engeri y'okwogeramu n'abakozi. Olukalala lw'emikutu nga luwedde, buli mukutu gutegezebwa nga bwe guteereddwa ku lukalala lw'abo abagenda okunoonyerezebwo wamu n'engeri gye kugenda okukolebwamu. Emikutu gyonna gisabibwa okukuŋŋaanya obujulizi wamu n'okwogeraganya n'abakozi okusobola okubuuzibwa.

Ensisinkano n'omukutu

Enkola ey'okubiri ezingiramu okusisinkana emikutu okufuna obujulizi. Abakulira emikutu bayitibwa okubuuzibwa ebibuuzo ebinabuuzibwa wamu n'okuleeta obujulizi ku buli mpagi ya Fairwork. Kino kituwa ekifaananyi ku ngeri omukutu gye kutambuzaamu emirimu gyagwo. Wabula ate kino kituyamba okuggulawo enkolagana omukutu mwe guyita okukkiriza okussa mu nkola ekyukakyuka okusenziira ku mpagi ezirambikiddwa. Mu mbeera ng'abakulira emikutu tebakkaanya na kya kubuuzibwa, okusengeka kwaffe tukwesigamya ku bujulizi obufuniddwa mu kunoonyereza okukolerwa mu ofiisi wamu n'ensisinkano n'abakozi.

Ensisinkano n'abakozi

Enkola ey'okusatu kwe kususinkana n'abakozi b'omukutu butereevu. Abakozi 6-10 be babuuzibwa mu buli mukutu. Ebibabuuzibwa tebiriubirira kutondawo ndowooza ekiikirira abalala. Wabula kiruubirira okutegeera emitendera gy'emirimu n'engeri gye gikolebwa n'okukwatibwamu. Entabaga eno esobozesa abanoonyereza ba Fairwork okutunula mu kkopi z'endagaano z'abakozi, wamu n'okumanya ku nkola z'omukutu ezikwata ku bakozi. Era ensisinkano eno esobozesa abantu baffe okukakasa oba okugaana enkola oba enneeeyisa weebiri ku mukutu.

Abakozi basisinkanibwa nga bakozeza emikutu egy'enjawulo.

Ebibuuzo byateekebwateekebwa nga bakozeza olukangaga lw'ebibuuzo eby'esigamiziddwa ku mpagi za Fairwork kkumi. Omukozi okubuuzibwa, alina okuba ng'asussa emyaka 18 ate nga bakoledde omukutu okumala ebbanga erisukka emyezi ebiri.

Okubigatta awamu

Enkola eno ey'emitendera esatu, etuwa omwagaanya okwekenneenya ebyogerwa omukutu, wamu n'okuwa omukisa okukunjaanya obujulizi obulungi n'obubi okuva mu makubo ag'enjawulo. Obubonero obw'enkomeredde kukolebwa ekibinja ky'abantu okuva mu Fairwork nga beesigama ku bujulizi obuvudde mu mitendera esatu. Obubonero buweebwa singa wabaawo obujulizi obulambulukufu okusenziira ku buli kisaanyizo.

Engaba y'obubonero

Buli mpagi ya Fairwork ekutulwamu obubonero bubiri. Akabonero akasooka ate n'akalala akookubiri kasobola okuweebwa singa akabonero akatandikirwako katuukirizziddwa bulungi. Buli mukutu gufuna akabonero

okuva ku 10. Emikutu giweebwa akabonero singa giraaga obukakafu nti gwassu mu nkola empagi za Fairwork. Okulemererwa okufuna akabonero tekitegeza nti omukutu tegugoberera mpagi eyogerwako. Wabula kitegezeza nti tetu - olw'ensoonga yonna -nsobodde okulaga obujulizi nti bukwatagana n'empagi ezo.

Okufuna obubonero kizingiramu emitendera mingi. Ekisooka, abakozi baffe abali muggwanga bakunjaanya obujulizi era ne bagaba obubonero obusooka. Oluvannyuma obujulizi obukunjaanyiziddwa buweerezebwa eri abantu abaalala abeetengeredde nabo ne bagaba obubonero. Abantu bano abeekenneenya obubonero bonna ba member ba Fairwork abali ku kakiiko aka wakati. Ng'abazzeemu okwekenneenya obubonero obwo bamaliriza omulimu, olwo bonna batuula wamu ne bakubaganya ebirowoozo, era basaalawo eky'enkomeredde. Obubonero buno wamu n'ensonga lwaki buli bwe butyo oba tebuli, babiweereza eri omukutu okubitunulamu. Olwo emikutu giweebwa omukisa okuleeta obujulizi obulala okusobola okwongera okufuna obubonero obuba butaabaweereddwa kuntandikwa. Obubonero buno bwe bufuuka obw'omwaka obw'enkomeredde era ne bufulumira mu alipoota ya Fairwork ey'eggwanga ey'omwaka.

**OKUNYONNYOLA EBISINGAWO
KU NGERI FAIRWORK
GY'EWAAMU OBUBONERO
GISANGE MU ENGERI.**



Ebyafaayo by'eggwanga

Eby'enfuna bya Uganda ebitali bitongole biteeberezebwa okuba ku buwumbi \$37³ ku bintu ebikolerwa mu ggwanga. Wabula kiteeberezebwa nti ebitundu 4.3%⁴ eky'abantu abali mu ggwanga, tebalina mirimu. Omuwendo gw'abantu abali mu mirimu gya jua kali n'ebbula ly'emirimu emitongole, kireetera abantu abasinga obungi okudda mu mirimu gya kagwirawo. Ekibiina ky'abakozi eky'ensi yonna, kiteebereza nti bannayuganda abali mu myaka emikozi ebitundu ebisoba mu 60% bali mu mirimu egitali mitongole. Okuva emabega, emirimu gya kagwirawo gibadde gitwalibwa ng'egitali mitongole, omuli endagaano ennyimpi oba egikolebwa abantu abatalina mirimu gya nkalakkalira. Nga wano abantu babapangisa okusenziira ku bw'etaavu obuliwo mu kifo ky'emirimu egy'enkalakkalira. Gavumenti okutumbula enkola y'okutungoza emirimu gya Jua kali omuli n'ekyokulambika n'okuwagira abakozi ba kagwirawo gye bujja.

Okubalukawo kw'emirimu gy'emikutu, kikyusizza engeri abantu gye beenyigira n'okulabamu emirimu gya kagwirawo. Mu 2021, abavubuka bannayuganda ebitundu 60% beenyigira mu mirimu gya kagwirawo mu ngeri emu oba endala, nga bano bayambibwako enkyukakyuka y'emitimbagano ku mirimu gy'emikutu.⁵ Emirimu gy'emikutu eri abavubuka gibanguyira okusinga egya ofiisi. Era nga kino kitondawo emirimu mingi egy'etaagibwa. Okututumuka kw'enkola y'okufunira ensimbi ku mikutu mu Uganda kino kiwagiddwa enkulaakulana y'empeereza y'omutimbaganu, amayengo ne ttekinologiya, omuli okutereka ensimbi nga bayita mu mayengo n'okusasulira empeereza.

Eby'enfuna by'okumukutu okusingira ddala bitunuulidde ekitongole ky'ebiddukaebipangisibwa n'okutambuza ebintu. *Boda boda* y'entambula esinga okwettanirwa abantu mu bibuga ebisinga mu Uganda. Abantu abatambulira ku Boda boda, emigugu oba empeereza, y'entambula esinga okwettanirwa kubanga eyanguyira abantu okwewala akalippagano k'ebidduka, enguudo enfunda ezizibuwalirwa

taxi okuyitamu.⁶ Ekirala, mu biseera by'omuggalo gwa lumiima mawuggwe, ng'okutambula n'emmotoka za lukale ezitambuza abantu zikugirwa, obwetaavu bw'empeereza y'okutambuza ebintu bweyongera. Kino kyayongera okulabisa amakampuni ga ttekinologiya agali ku ddala ly'ensi yonna n'aga kuno gamba nga Glovo, Quicksend ne Delivery Yo, n'amalala mangi. Eky'okulabirako ekyangu. Empeereza y'abakozi b'omukutu yaali ya mugaso mu budde buno. Emikutu gy'awa aba abasuubuzi omwagaanya okulanga empeereza yaabwe wamu n'okugaziya ku bungi bw'abaguzi, nga tebasisinkanye butereevu. Eri abakozi, nago gwali mukisa okufuna ensimbi,⁷ so ng'ate ku ludda lw'abaguzi emikutu gino gyayamba okwanguyiza aabantu. Amakampuni ga ttekinologiya mu Uganda nago gaatandika okugaziya empeereza yaago okusukka Kampala, ekibuga kya Uganda ekikulu nga goolesa ttekinologiya agenda asasaana, ensimbi ezikolerwa ku mutimbaganu wamu n'enkola y'emirimu ginnansangwa ginneekolera gyange.

Eby'enfuna by'emikutu bisobozesezza okweteekateeka,

okubangawo enkola wamu n'engeri emirimu gye gikolebwamu mu Uganda. Era kino kyogerwako ng'entabiro y'emirimu wakati mu katuubagiyo k'ebbula ly'emirimu. Newankubadde wabaddewo okkulaakulana n'obwagazi ku mirimu gy'emikutu mu Uganda, ebiragiyo ebirambika abakozi, amateeka n'enkola bikyali mabega nnyo. Wewaawo omuwendo gw'abantu munene abettanidde emirimu ekika kino, enkola za Government ne mu nzirukanya y'emikutu munda bijja kwetaagisa okussibwawo, kibawe obukuumi okuva ku nkola ezinyigiriza abakozi.



Ploy Makkason / Shutterstock

Oludda lw'amateeka

Amateeka agafuga abakozi mu Uganda gakoolebwa okuwa obukuumi eddembe ly'abakozi n'okulambika enkolagana wakati w'abakosesa n'abakozi. Nga tonnaba kumanya nkola ya mmere ya leero bw'eyimiridde mu kisaawe ky'emirimu, kyabuvunaanyizibwa okulaga agamu ku mateeka g'abakozi mu Uganda, abakozi mwe bayita okuganyulwa nga batwalibwa ng'abakozi mu mateeka.

Etteeka ly'abakozi erya 2006, lye tteeka ekkulu erifuga enkolagana y'emirimu mu Uganda. Litunuulira ebintu bingi ku mirimu omuli: endagaano z'emirimu, essaawa ezirina okukolebwa (obutasukka ssaawa munaana olunaku, oba nga bwe mukkaanyizza), eddembe ly'okuwummulamu, okusazaamu endagaano y'omulimu, n'omutindo ogutandikirwako ku mulimu. Ligamba nti, abakozesa bateekeddwa okuwa abakozi baabwe endagaano empandiike mu mwezi ogusooka ng'amuwadde omulimu. Endagaano eteekeddwa okubaamu ebintu ebikulu nga: Ekika ky'omulimu, omusaala, ssaawa z'oteekeddwa okukola, eddembe okuwummulamu n'amakubo endagaano bw'esazibwamu.

Ekirala, amateeka g'emirimu gateekawo omutindo abakozesa gwe bateekeddwa okugoberera. Muno mulimu: omusaala ogw'essalira ogutandikirwako, okusasula omukozi ensimbi mu ssaawa ezisusse mu budde obutongole, omukozi okuweebwa akadde n'awummulamu buli mwaka, okuwummula nga mulwadde, abakyalala okuwummulamu oluvannyuma lw'okuzaala.

Etteeka likugira obusozoze ku mirimu nga kw'esigamizibwa ku bintu nga: Ekikula, Eggwanga, Eddiini, Obulemu oba oludda lw'ebyobufuzi kwogwa. Liwagira obw'enkanya mu mikisa egiriwo eri abakozi, era lissaawo amakubo okugonjoolamu obutakkaanya ku nsonga ez'ekuusa ku busozoze. Era liruubirira okutumbula eky'abakyalala okwenyigira mu mirimu.

Ng'ekitundu ku biragiro ebiwa obukuumi ku mirimu, abakozesa balina obuvunaanyizibwa okussaazo embeera ennungi abakozi mwe bakolera. Bateekeddwa okusitukiramu okuziyiza obubenje ku mirimu, okussaawo ebyuma eby'etaagisa mu kuleetawo obukuumi, n'okukola ng'amateeka agalambika okuleetawo obukuumi bwe gagamba. Ekittavvu ky'abakozi ekya NSSF, kya buwaze mu Uganda, era wano buli mukozi ateekeddwa okuterekayo ekitundu ky'ensimbi ezessalira ezimanyiddwa okuva ku misaala gy'abakozi. Zino zibayamba okuweebwa akasiimo nga bawummudde emirimu, obujanjabi, wamu n'ebirungi ebirala nkumu.

Emikutu egikolera mu Uganda mulimu empeereza y'okupangisa ebidduka nga safe boda ne Uber, akatale ku mutimbagano abatalina mirimu gya nkalakkalira nga Upwork ne Freelancer, n'okutambuza ebiterenze nga Jumia food ne Glovo. Emikutu gino giya abantu omukisa okukozesa obukugu bwabwe oba okuweereza mu ngeri ebanguyira. Mu kulowooza, kino kiyamba abakozi omukisa okulondawo ddi na wa gye baaagala okukolera, baba n'amakubo omuva ensimbi mangi, n'okukwasaganya n'emirimu n'ebintu ebirala.

Tewali biragiro birambulukufu mu Uganda ebirambika emirimu gya mmere ya leero n'abakozi bemikutu ku mitimbagano mugyo munda. Wabula, kirowoozebwa nti amateeka n'ebiragiro eby'bakozi ebiriwo bye biteekeddwa okweyambisibwa ku bakoze by'emikutu gino. Wammanga tukubaganya ebiwoozo ku buwaayiro obumu obulambika emirimu gya mmere ya leero mu Uganda.

Eteeka ly'abakozi erya 2006, terirunjamya bulungi mirimu gya mmere ya leero. Wabula ate obuwaayiro bwalyo ku ndagaano y'omulimu, omutindo ku mulimu ogutandikirwako, essaawa z'olina okukola, wamu n'okusazaamu endagaano busobola okulambika abakozi b'emirimu gya mmere ya leero nga bano batwalibwa ng'abakozi. Wabula ate abakozi b'emirimu abasinga, batwalibwa ng'abeekozesa.

Mu buwufu bwe bumu, ekittavvu ky'abakozi ekya NSSF, nkola ya buwaze mu Uganda. Engeri abakozi b'emirimu gya mmere yaleero gye bayingizibwa mu bibala ebiva mu kittavvu kiyinza okusenziira kubanga, kino kisinziira ku ntegeeragana gye bakkaanyaako ate era ona batwalibwa ng'abbakozi oba abeekozesa.

Abakozi b'emikutu mu Uganda bateekeddwa okugoberera amateeka agalabika eby'emisolo. Bateekeddwa okwanjula enfuna yaabwe wamu n'okusasula emisolo gamba nga okusasula emisolo okusenziira ku nfuna yaabwe. Ebiseera ebisinga, omusolo ogumanyiddwa nga withholding, tax gusaulwa eyaweewwa omulimu mu butongole ssekinnoomu oluvannyuma lw'okufuna omulimu gwa mmere ya leero.

Ebiragiro byetaagisa okusobola okumalawo okusomooza okugenda kubalukawo mu kitongole kino. Gamba nga: obukuumi ku mulimu, eby'enfuna ebiyugayuga, obutaba na bukuumi obw'awamuj gamba nga ebiziyiza, n'okutulugunyizibwa okukuyayiza okugwa ku bakozi. Ng'enkola y'emirimu gya mmere ya leero egenda mu maaso n'okweyubula, government n'ebitongole ebikwatibwako



T. Schneider / Shutterstock

bateekeddwa okuvaayo n'ebiragiro eby'enjawulo oba ennambika okwanjanga okusomoozebwa okw'enjawulo okwolekedde emirimu gya mmere ya leero n'abakozi b'emikutu munda mu gyo.

Ekirala, abakozi b'emitimbagano bateekeddwa okutegeezebwa ku buli kiba kiguddewo mu mateeka g'abakozi era walina n'okubaawo kawefube okulaba ng'eddembe lyabwe na byonna omukozi by'ateekeddwa okufuna binywezebwa.

Fairwork Uganda

Obubonero 2023

Minimum standards
of fair work

Glovo	2 ^{/10}	<input type="radio"/> <input type="radio"/> <input type="radio"/> <input type="radio"/> <input type="radio"/> <input type="radio"/> <input type="radio"/> <input type="radio"/> <input type="radio"/> <input type="radio"/> <input type="radio"/>
Bolt	0 ^{/10}	<input type="radio"/> <input type="radio"/> <input type="radio"/> <input type="radio"/> <input type="radio"/> <input type="radio"/> <input type="radio"/> <input type="radio"/> <input type="radio"/> <input type="radio"/> <input type="radio"/>
DeliveryYo	0 ^{/10}	<input type="radio"/> <input type="radio"/> <input type="radio"/> <input type="radio"/> <input type="radio"/> <input type="radio"/> <input type="radio"/> <input type="radio"/> <input type="radio"/> <input type="radio"/> <input type="radio"/>
Easy Matatu	0 ^{/10}	<input type="radio"/> <input type="radio"/> <input type="radio"/> <input type="radio"/> <input type="radio"/> <input type="radio"/> <input type="radio"/> <input type="radio"/> <input type="radio"/> <input type="radio"/> <input type="radio"/>
Jumia	0 ^{/10}	<input type="radio"/> <input type="radio"/> <input type="radio"/> <input type="radio"/> <input type="radio"/> <input type="radio"/> <input type="radio"/> <input type="radio"/> <input type="radio"/> <input type="radio"/> <input type="radio"/>
Little	0 ^{/10}	<input type="radio"/> <input type="radio"/> <input type="radio"/> <input type="radio"/> <input type="radio"/> <input type="radio"/> <input type="radio"/> <input type="radio"/> <input type="radio"/> <input type="radio"/> <input type="radio"/>
Lolo	0 ^{/10}	<input type="radio"/> <input type="radio"/> <input type="radio"/> <input type="radio"/> <input type="radio"/> <input type="radio"/> <input type="radio"/> <input type="radio"/> <input type="radio"/> <input type="radio"/> <input type="radio"/>
Quicksend	0 ^{/10}	<input type="radio"/> <input type="radio"/> <input type="radio"/> <input type="radio"/> <input type="radio"/> <input type="radio"/> <input type="radio"/> <input type="radio"/> <input type="radio"/> <input type="radio"/> <input type="radio"/>
SafeBoda	0 ^{/10}	<input type="radio"/> <input type="radio"/> <input type="radio"/> <input type="radio"/> <input type="radio"/> <input type="radio"/> <input type="radio"/> <input type="radio"/> <input type="radio"/> <input type="radio"/> <input type="radio"/>
SPESHO	0 ^{/10}	<input type="radio"/> <input type="radio"/> <input type="radio"/> <input type="radio"/> <input type="radio"/> <input type="radio"/> <input type="radio"/> <input type="radio"/> <input type="radio"/> <input type="radio"/> <input type="radio"/>
Tuko Food Delivery	0 ^{/10}	<input type="radio"/> <input type="radio"/> <input type="radio"/> <input type="radio"/> <input type="radio"/> <input type="radio"/> <input type="radio"/> <input type="radio"/> <input type="radio"/> <input type="radio"/> <input type="radio"/>
Uber	0 ^{/10}	<input type="radio"/> <input type="radio"/> <input type="radio"/> <input type="radio"/> <input type="radio"/> <input type="radio"/> <input type="radio"/> <input type="radio"/> <input type="radio"/> <input type="radio"/> <input type="radio"/>

ENYINYONNYOLA Y'OBUBONERO BWA BULI MUKUTU OSOBOLA OKUGISANGA KU KIBANJA KY'OMUTIMBAGANO KINO

WWW.FAIR.WORK/UGANDA


Okunyonnyola obubonero



Ensasula esaanidde

Emikutu egirwana okulaba ng'abakozi basasulwa waakiri omusaala ogw'essalirwa okutandikirwako oluvannyuma lw'ensimbi ezisasaanyizibwa ku bintu eby'ekuusa ku mulimu okuggyibwa ku nfunu y'abakozi, gufuna akaboneero kamu olw'empagi eno. Akabonero akalala kasobola okuweebwa omukutu ogufaayo okulaaba ng'abakozi basasulwa ensimbi ezisobola okubabeezaawo oluvannyuma lw'okwawulako ezo zebakozesezza ku bintu eby'ekuusa ku mulimu.

Omwaka guno, tewali mikutu gyasobola kutuwa bujulizi nti abakozi bonna baasasulwa omusaala ogw'essalira ogutandikirwako oba ensimbi ezibabeezaawo oluvannyuma lw'okwawulako ezo zebakozesezza ku bintu eby'ekuusa ku mulimu.



Embeera esaanidde

Emikutu egyoleka nga bwe gimanyi okusomoozebwa kw'abakozi era nga balambika n'engeri y'okukumalawo, gisobola okuweeba obubonero bubiri olw'okussaawo embeera esaanidde abakozi mwe bakolera.

Omwaka guno, tewali mukutu gwasobola kufuna bubonero obutandikirwako obw'empagi eno. Kyabuvunaanyizibwa okumanya nti, omukutu gwa Glovo gulina ku makubo agamu agawa obukuumi abakozi. Muno mulimu okutegeka ensisinkana n'abakugu mu kwetangira obubenje bw'oku nguudo, okugaba reflector jackets, okubawa obuyambi mu budde.




Endagaano esaanidde

Emikutu okufuna akabonero akasooka mu mpaagi eno, giteekeddwa okulaga nti endagaano oba enkola n'obukwakkulizo bitegeerekeka bulungi era ng'abakozi bonna babumanyi, bwakkaanyizibwako era nga temuli buwaayiro bunyigiriza.

Omwaka guno, Glovo yaweebwa akabonero akasooka olw'empagi eno olw'okubeera ennambulukufu wamu n'okulaba ku ndagaano z'abakozi.

Emikutu emirala tetwasobola kuzuula bujulizi nti endagaano zaali zabwenkanya, zakkaanyizibwako era nti tezirina buwaayiro bunyigiriza.

Tewali mukutu gwonna gwaweebwa kabonero ka kubiri olw'empagi eno ekikakasa nti okunyigirizibwa n'okufiirizibwa olw'okwenyigira mu mulimu kugabanyizibwamu wakati w'omukutu n'abakozi.



Enkwata y'ebintu ennungi

Okufuna akabonero mu mpaagi eno, emikutu giteekeddwa okukyoleka abakozi tebamala gawummuzibwa, era nti waliwo omwagaanya abakozi mwe bayita okujulira ku bibonerezo ebibaweereddwa. Emikutu giteekeddwa okuba n'enkola ezirwanyisa obusosoze, okubangawo enkola ekendeeza obusosoze eri abakozi ate n'okulwana okubangawo obw'enkanya mu mitendera gy'okusasula oba okugaba emirimu.

Omwaka guno, Glovo yalaga nti waliwo omwagaanya abakozi mwe bayita okujulira ku bibonerezo ebibaweebwa era ne guweebwa akabonero akasooka ku mpagi eno.

Tewali mikutu miraala egyasobola okulaga bujulizi kwekyo wamu n'okusobola okufuna akabonero olw'enkwata y'ebintu ematiza. Abakozi okuva ku mukutu gumu Dalivery Yo, baanokolayo ekibanja ku mutimbagano ekisinga okubayamba ku ngeri okusomoozebwa gye kumalibwawo. Omukutu guli ku kya kussa mubuwandiike ekibanja ky'abakozi kino mu butongole mu nkola n'obukwakkulizo/ mu ndagaano ekintu ekiyinza okuba emmanduso y'obwenkanya mu nkwata yaabwe ey'ebintu.



Okukiikirirwa mu bwenkanya

O mukutu okufuna akabonero akasooka olw'okukiikirirwa mu bw'enkanyi, emikutu girina okulaba nga wabaawo eddembe okwegattira w'oyagala wamu n'okwoleka eddobozi erya wamu. Okufuna akabonero akookubiri, emikutu kiteekeddwa okuwagira enkulembera ey'obwenkanya. Okugeza enkola y'obwegassi.

Tewali mukutu gwasobola kutuukiriza mpagi eno.

Emboozi z'abakozi

Gonza*, omuvuzi era asaabaza bintu

Gonza yatandika olugendo lwe ng'omukozi w'omukutu emyaka ena egiyise mu kuvuga n'okutambuzza ebintu. Ono yalina Diploma mu kubala ebitabo ra mukozi wa masannyalaze bw'aba tali ku mirimu gya mukutu. Gonza alina emmotoka era yawabulwa mukwano gwe nti yandiganyuddwa nnyo nga bw'ali omukozi w'omukutu okusobola okufuna ensimbi ez'ennyongereza ng'oggyeeko omulimu gwe ogw'enkalakkalira. Gonza akola essaawa 12 buli week na buli kawungeezu ku weekend. Gonza bwe yali yakatandika okukolera kampuni eno emyaka ena egiyise, ensimbi ez'etaagisa okweyimirizaawo zaali ntono ddala okwawukanako nga bwe kiri olwaleero. Wabula gye buvuddeko katonu, emiwendo gy'ebintu gyekanamye, amafuta, Airtime, emisolo, obutasasulwa ku mirimu na buli kimu okulinya, kiremesezza Gonza okwerabirira obulungi wamu ne Family ye. Yatutegeeza nti "bw'oba okyali muto nga tolina buvunaanyizibwa na maka, ob'olyawo enfunayo eba ekumala. Naye bw'oteekako Family, oba weetaaga emirimu emirala, wamu n'okwongera ku budde bw'okola okusobola okufuna ekigulira magala eddiba".

Gonza ne banne bwe baali beegatta ku mukutu, baasuubizibwa okuyisibwa obulungi, obukuumi ne yinsuwa. Wabula, Gonza bwe yabbibwa abatamanyanjamba n'agezaako okukozesa Yinsuwa eyamuweebwa omukutu okusobola okukomyawo ebimu ku bintu ebyali bimubbiddwaako, yasabibwa okuwaayo obujulizi bw'akatambi, k'ataalina. Banne ba Gonza nabo embeera y'emu eyo gye baayizibwamu. Newankubadde ng'obweraliikirivu bwa Gonza bukyagenda mu maaso era tannaba kusobola kwelwanako ne banne nga bakozesa eddobozi ery'awamu, olw'okutya ekyo ekiyinda okubatusibwako omukutu ng'abakozi. Takyayagala mulimu gwe, era nga kati awulira ng'ayagala kukolera mikutu mirala. Ate era yeetaaga n'okubeerawo, nga bw'anoonya eky'okukola ekirala.

Okello*, asaabaza migugu

Okello muvuzi eyapangisibwa kkampuni y'okutambuzanga ebintu era ng'omulimu guno yakagukolera emyaka ebiri. Bwe yamalizira haaya, yajja mu Kampala okuva e Wakiso asobole okunoonya ensimbi nga bw'aweereza ewaka asobole okubeera mu mbeera ennungi. Omulimu gw'okukolera omukutu yagusanga ku mikutu emikwanira wala era n'asalawo okupangisa pikikipiki era n'asaba okutandika okusaabazanga emigugu. Okello akola essaawa 20 buli week wabula tasasulwangako mu budde ekintu ekimukalubiriza okusobola okusasula ebbanja lye erya Pikipiki oba okuweereza ssente ewaka. Okello bw'asasulwa, omuntu eyamuyunga okukolera omukutu amusalawo kantaanyi ku nsimbi z'afuna oluvannyuma n'amuwa ezisigaddewo.

Okello asubira okusasula ebbanjalye ku pikikipiki alimaleyo ng'omwaka gwa 2023 tegunaggwaako, wabula ate afuna ebizibu nkumu omuli n'ekyokukola obudde obusukka mw'obwo obumanyiddwa, okuwalirizibwa okusasula okufiirizibwa kwonna okuba kuguddewo, ebintu ebyonoonese, ebintu ebibiddwa, wamu n'ekya ba kasitoma okumuwa ebicupuli bya ssente. Okello teyaweebwa ndagaano ya mulimu ku ntandikwa y'omulimu, ate nga n'enkola ezigobererwa ku mulimu zikyuse ne zitandika n'okukola nga tategeezeddwaako wadde okuzikkaanyaako. Ye ne banne bwe bakola omulimu gwe gumu bali mu kutya okutagambika okukozesa eddobozi erya wamu, oluvannyuma lw'okulaba bannaabwe nga baawummuzibwa wamu n'okugobebwa ku mirimu.

***Zivudde kw'ebyo abakozi ab'enjawulo bye bayitamu.**

OMULAMWA OGUTUNUULIDDWA

Abakyaala mu mulimu gw'emmere ya leero

Mu kunoonyereza kwaffe kwonna, waliwo omuwaatwa naddala ku muwendo gw'abakyaala be twayogerako nabo mu kutalaaga kwaffe. Ku bakoze b'emikutu 90 be twayogerako nabo, bonna okuggyako babiri abeeyanjula ng'abasajja abaatuleka nga twewuunya ku ngeri gye baasalawo okutwalamu emirimu gy'emikutu mu Uganda. Ekyo ng'okivuddeko, emirimu gy'emikutu mu Uganda gisinga kwesiba ku mpeereza ya kutambuza n'okupangisibwa okuvuga newasigalawo katono oba obutabeererawo ddala mikutu gitunuulira milimu gya kulabirira waka so ng'okuva emabega baasinga nga kutunuulira bukozi bwa bakyaala.

Ekyabakyaala okwenyigira mu mirimu egy'enkanankana n'abaami kizze kiwakanyizibwa era nga kissibwa mu lusse lwa mwenkanonkano na nkola za buweereza. Mu kitundu

kino, twogera ku kutulugunyizibwa mu kikula wamu n'okusosolwa okuva mu butali bw'enkanya mu nkyukakyuka y'obuyinza mu mirimu gy'omukutu nga bwe kituukira ku bakyaala mu Uganda. Olw'enjawukana ezimanyiddwa olwatu mu baami abasinga n'abakyaala abo be twasobola okwogerako nabo mu kunoonyereza kwaffe, twayongerako oky'okusisinkana ebiwayi by'abantu ssekinnoomu nga tukubaganya ebirowoozo n'abakozi abakyaala okusobola okumanya endowooza yaabwe. Mu kitundu ekiddako, twogera ku ndowooza z'abakyaala bano.

Okusinziira ku bantu be twabuuzza n'ebiyayi by'abantu ebitali bimu bye twasisinkana, okusosola kulabikira nnyo ku bintu eby'ekuusa ku buwangwa gamba nga ba kasitoma okusazaamu entabula zaabwe oluvannyuma lw'okukizuula



nti eyali agenda okubavuga mukyala. Abavuzi b'ebidduka ebipangisibwa be twayogera nabo baakyoleka nti ba kasitoma baaloozoza nti emmotoka ze bavuga zaali za mikutu gya kampuni, ekirengezza abakyala. Baatutegeeza nti abantu bangi mu Uganda baloozoza nti abakyala tebasaanidde kuba bakozi ba mukutu, nga wano emirimu gy'emikutu gy'ekuusa ku bavuzi ba bidduka ebipangisibwa oba okutambuza empeereza -ekyo kitegeeza mirimu gya mifumbi.

Obutabaawo bw'enkanya mu ngabanya y'obuyinza wakati w'abakozi abakyala ne ba kasitoma nakyo kyeyolekera mu ffujjo erikolebwa ku bakozi n'okutiisibwatiisibwa okukolebwako effujjo. Abakyala bano baatutegeeza nti ba kasitoma baategeera obunafu bw'okubeera omukyala eyeenyigira muni ya mmere ya leero, era ne beeyambisa obunafu buno ne babatisatiisa obutabasasula oluvannyuma lw'okutuusa empeereza oba okubasaba okubaako emirimu emirala gye babakolera gamba ng'okubaako ebintu bye babatwalira mu maka gaabwe. Omukozi omu yatutegeeza nti "Osobola okutwala omuntu naddala abo abakugamba okuyingira mu bikomera byabwe emmotoka ekukire munda mu kikomera, bw'omala okuyingira ate ng'akussa ku mudumu gw'emmundu. Wano oba olina okulondawo wakati w'ensimbi n'obulamu".

Abakozi be twayogera nabo mu biwayi eby'enjawulo batutegeeza nga bwe baatulugunyizibwa mu bikolwa by'omukwano okuva ku ba kasitoma, wamu n'okutyoboolebwa ekitiibwa kyabwe. Embeera eno etunuulidde kikula kimu, nga ba kasitoma bakimanyi nti tewali kinabatuukako oluvannyuma lw'okutyoboola abakozi abakyala. Omu ku bantu betwali twabuza yatugamba nti: abakozi b' emikutu abasajja tebafuna kutulugunyizibwa mu bikolwa by'omukwano ng'abakyala bye bayitamu kubanga beegendereza nnyo era nga balemera ku nsonga. Abakozi abakyala baatutegeeza nti ba kasitoma abasajja abasinga beenyigira nnyo mu bikolwa by'okutulugunya mu mukwano so ng'ate ba kasitoma abakyala, babayisaamu amaaso wamu n'okutyoboola amateeka gaabwe wamu n'okubayingirira omwali n'obutasuula kasasiro mu mmotoka. Ba kasitoma abaami abasinga era bagaana n'okusasula abakyala oluvannyuma lw'okubakolera kye baba balagaanye.

Ebikolwa by'okutulugunya, okutiisatiisa, n'obusosoze ebyatugambibwa abakyala be twayogera nabo wamu n'ebiyayi by'abantu be twasisinkana, baatutegeeza ku bukuumi bw'abakyala n'okwenyigira mu mirimu gya buli kika, okusingira ddala egyo egitwalibwa ng'egyemifumbi, gino gikwananyizibwa ku miziziko okugifuna wamu n'okutambula kyere mu bifo bya lukale. Emirimu egitwalibwa ng'egyabakyala ebiseera ebisinga muzingiramu egyo egitera okukolerwa mu bifo ebitwalibwa ng'ebyenkiso gamba nga mu maka oba mu bifo ebibudaabuda. Abakozi b'omukutu abakyala bawakanya ensonga eno wamu n'ekyo Professor Pumla Dineo Gqola kye yayita: kkanabakyala nga

wano abakyala babonerezebwa olw'okwetaba mu mirimu egy'emifumbi. Muno muzingiramu emirimu egy'etaagisa okubeera n'okweyambisa ebifo bya lukale. Ba kasitoma abategeera ensonga zino nga bwe zitambula, busobola okutulugunya abakozi abakyala nga bakimanyi bulungi nti tewali agenda kubavunaana okuva mu kkampuni y'omukutu oba omuntu yenna omulala. Omu ku bantu be twayogera nabo yatugamba nti: "ne bw'obalaga omukwano n'okubabudaabuda era bakutulugunya wamu n'okwekwasa obusongasonga".

Wakyayinza okubaawo ebintu eby'ewuunyisa mu mbooji ezagambibwa abeenyigira mu kunoonyereza kwaffe. Bamalaaya abakazi, okusinziira ku bakozi b'omukutu abakyala baagala nnyo okukozesa ebidduka ebivugibwa abakozi b'omukutu abaami okwewala ebighambo okuva ku bakyala. Ba kasitoma abakyala abamu nabo baagala nnyo okukozesa abakozi b'omukutu abaami naddala nga ssi beetegefu kusasula nsimbi mu mpeke, nga bano baloozoza nti basobola okusasula nga bakozeza emibiri gyabwe oba nti abakyala basobola okubeera abeekisa gye bali. Na bwe Kityo, ekyo kireetera ba kasitoma abakyala okwettanira abakozi b'omukutu abaami. Ba kasitoma abakyala, era abatali beteefuteefu kusasula ssente zonna mu bujjuvu oba okugulirira abakyala abavuzi. Abakozi abakyala aboogerwako ng'abalina omukisa ogutali gwa bw'enkanya bannaabwe abaami gwe baafuna ku lwabwe.

Okubeera omukozi w'omukutu omukyala, kitegeeza kufuna ba kasitoma batono, olw'ensonga ez'ekuusa ku buwangwa ezirimu kyekubiira, obutasobola kukolera mu biseera eby'okusomooza, kyokka ng'ate bye biseera ebisinga okukolerwamu ensimbi; ate n'obutasobola kutambuza mirimu gya mukutu mu kiseera ng'okusomoozebwa kusinga ebibala.

Abakozi abasinga be twayogera nabo baatugamba nti okuloopa ensonga ku mukutu tekiyamba kubanga, tewali kikolebwa kyonna. Abamu baanokolayo nti abasaabaze bwe bagaana okusasula oluvannyuma lw'omulimu okuggwa waliwo ekiseera lwe baaloozanga ku mukutu era ne basasulwa, wabula ekkubo lino lyaggyibwawo. N'olwekyo, obuvunaanyizibwa bw'okwekuuma kati kwasigala ku muntu ssekinnoomu.

Abakozi abasinga abakyala be twayogera nabo baatutegeeza nti basobodde okutambula obulungi nga beewala okukola obudde bw'ekiro, okwasanguza ekifo we bali mu kiseera ekyo kyennyini n'abakozi abalala mu Whatsapp group, okubeera ne kalifuuwa wa kaamulali wamu n'okweyambisa eby'okulwanyisa okusobola okwetaasa nga ssipana n'emiggo. Omukozi omukyala omu yatugamba nti "Waliwo ekiseera lwe nasanga ababbi era nga nnina n'omukisa okukubira abantu okufuna okuyambibwa ng'ayita ku whatsapp, wabula tebaasobola kunziruukirira mu budde".

Omukyala omulala yagama nti:

“Olumu okuba ku kitebe bakuyambe, wabula ne bakugamba nti ofiisi nzigale, ng’ate okyayinza okuba ng’ogudde mu babbi. Mukwano gwange yagenda n’anona kasitoma omukyala.... mukwano gwange yatega endabirwamu y’omumaaso okusobola okulaba omutto omuntu gw’atwala ky’akola. Wabula kasitoma yabaka omusipi gwa driver gwe yali yeesibye era n’atandika okumutuga. Ekirungi mukwano gwange yalina ssipaana okugyekuumisa mu budde bw’ekiro. Yaggyayo sipaana eyamuli n’agikuba gwe yali atwala ng’agezaako okumutuga. Omubbi teyalina kyakukola wabula n’asalawo n’adduka”.

Okusomooza okulala abakyala kwe baatugamba ku ba kasitoma abakyala, kwe kuyita mu bikolwa ebisendasenda omugoba okumutangira okubalwanyisa. Bino byonna n’okutiisibwatiisibwa okutuusibwako obulabe, biwalirizza abakozi b’omukutu abakyala okusuulawo emirimu.

Eby’ogerwa abakyala bano era byoleka obunkenke wakati wa tweekisize, eby’okwerinda, n’obukuumi. Twala eky’okulabirako, abavuga ebidduka bonna batandise okuteeka camera mu mmotoka zaabwe bafune obujulizi nga baloopa effujjo eribakolebwako. Wabula Camera tezigaana kintu kyonna kugwawo, naye era abagoba abakyala bazitwala ng’obukuumi. Ekirala, okulondoola okwo kwoleka obujulizi obw’ekika ekyawaggulu obwetaagisa okwoleka omusango gw’effujjo era nga kiteeka mu katyabaga eri abagoba abatasobola kukwata ku katambi ak’ebyo ebibaguddeko. Ebyo ng’obitadde ku bbali, enkola eno egendera esasaana era nga ne gye buvuddeko Uber nayo kati esaba abagoba baayo okutandika okugikozesa. Wabula tekimanyiddwa oba nga be bagenda okuzisasulira.⁹

Okutiisibwatiisibwa abakozi kwe bateekeddwa okulondoola kuteeketeke era nga kwetaaga okukolwako nga bayita mu nkola etunuulidde ekikula ky’abakozi. Ekirala, kirina okujjukirwa nti ba kasitoma bonna abatuusibwako bino, bonna baagala era beesiba ku bakozi ba mukutu abakyala. Abakozi bano basuulawo emirimu gy’omukutu olw’effujjo erisinga okutunuulira ekikula kyabwe, okulumbibwa n’okusosolwa. N’olwekyo obusobozi bwa ba kasitoma okweyambisa empeereza zino kuleemeseddwa.

Okutwalira awamu, emirimu gy’abakozi abakyala ku mukutu mu Uganda gya bulabe nnyo olw’enkola zonna ezitali nunnamu. Nga zino zazimbibwa nga beesigamye ku ffujjo eritunuulidde ekikula, okulengezza wamu n’okuziŋŋamya eby’enfuna. Obutakola ku kusomoozebwa eri obukuumi bw’abakyala nga bayita mu mateeka agabatwala n’enkola ezibangibwawo, emikutu giba ng’egikkiriza n’okuliikiriza ebikolwa bino eby’effujjo.

Enkola z'okuleetawo enkyukakyuka

